# Leero UNEB lw'esisinkana Minisita asalawo ebya PLE lwe bifuluma

Bya VIVIEN NAKITENDE

LEERO ku Lwokusatu abakulira ekitongole ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB, lwe bagenda okusisinkana Minisita w'ebyenjigiriza Janet Kataaha Museveni okumuyitiramu ebyavudde mu bigezo bya P7 ebyatuulibwa mu November w'omwaka oguwedde.

Omwogezi wa UNEB, Jeniffer Musamba yabuulidde Bukedde eggulo nti, akulira UNEB Daniel Odongo n'abakungu b'ekitongole kino wamu n'aba Minisitule ey'Ebyenjigiriza bagenda kusisinkana Minisita Janet Museveni bamunnyonnyole abayizi nga bwe baakoze ebigezo bya PLE.

Ensonda zaategeezezza nti, ensisinkano eno etajja kukkirizibwamu bannamawulire ya kubeera mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero ku ssaawa 8:30 ez'olweggulo oluvannyuma Minisita asalewo ddi lwe binaafulumizibwa mu butongole.

Abayizi 817,885 be baatuula PLE nga November 3 ne 4, 2025 mu masomero 16,140 okwetooloola Uganda nga kwaliko abawala 428,356 n'abalenzi 389,529.

Ku bayizi abo 817,885, kuliko 522,039 (ebitundu 64 ku 100) gavumenti beesasulira mu masomero ga UPE ate abasigadde 295,846 (ebitundu 36 ku 100) baamasomero ag'obwannannyini. Omuwendo gw'abayizi abaatudde PLE mu 2025 gwasinze abatuula mu 2024 abaali 797,444.



Jenifer Kalule Musamba.